((بِسْمِ اللَّهِ فِي أَوَّلِهِ وَآخِرِهِ))

((BISMILLAHI FII AWWALIHI WA-
AAKHIRIHI))

Amakulu :

(Erinnya Iya Allah ly'ogerwa
kuntandikwa y'okulya
nekunkomerero) .

179- Nabbi yagamba nti : omuntu
yenna Allah gwaaba awadde emmere
agambenga bwaati :

١٧٩ - اللَّهُمَّ بَارِكْ لَنَا فِيهِ وَأَطْعِمْنَا خَيْرًا مِنْهُ

((ALLAHUMMA BAARIK LANAA FIIHI WA
ATWI-IMNAA KHAIRAN MINIH))).

Amakulu :

(Ayi Allah tukusaba emmere eno
ojituteekeremu emikisa era otugabire
(otuliise) ejisinga obulungi) .

Nate n'agamba nti : omuntu Allah
gwaba anywesezza amata agambenga
bwati :

((اللَّهُمَّ بَارِكْ لَنَا فِيهِ وَزِدْنَا مِنْهُ)).

((ALLAHUMMA BAARIK LANAA FIIHI
WAZIDNAA MINIHU)) .

Amakulu :

(Ayi Allah amata gano gatuteekeremu
omukisa era otwongere amalala) .

70 – EDDUWA ESOME BWA NGA OMAZE OKULYA

١٨٠ - (الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي أَطْعَمَنِي هَذَا
وَرَزَقَنِيهِ ، مِنْ غَيْرِ حَوْلٍ مِنِّي وَلَا قُوَّةٍ) .

180 - ((AL-HAMDU LILLAHI LLAZHII ATWI-
AMANI HAZHA , WARAZAQANIHI , MINI
GHAIRA HAULIN MINNII WALAA
QUWWATIN)) .

Amakulu :

(Amatendo amalungi gonna ga Allah
oyo andiisizza emmere eno , era
ajimpadde awatali busobozi bwange
wadde amaanyi) .

١٨١ - الْحَمْدُ لِلَّهِ حَمْدًا كَثِيرًا طَيِّبًا مُبَارَكًا فِيهِ
غَيْرَ [مَكْفِيٍّ وَلَا] مُودِّعٍ ، وَلَا مُسْتَغْنَى عَنْهُ رَبَّنَا

181- ((AL-HAMDU LILLAHI HAMDAN

KATHIIRAN TWAYYIBAN MUBAARAKAN
FIIH , GHAIIRA MAKFIYYIN WALAA
MUWADDA-IN , WALAA MUSTAGHNAN
ANIHU RABBANA)) .

Amakulu :

(Amatendo amalungi gonna ga Allah ,
atenderezebwa ennyo olutendereza
olulungi olulimu emikisa , (okutenda
okwo) tekumumala ate tekulekeka , era
tekwewalika owange ggwe omulezi
waffe) .

**71 – EDDUWA OMUGENYI
J'ASABIRA AMULIISIZZA**

١٨٢ - ((اللَّهُمَّ بَارِكْ لَهُمْ فِيْمَا رَزَقْتَهُمْ ،
وَاعْفِرْ لَهُمْ وَارْحَمَهُمْ)) .

182 - ((ALLAHUMMA BAARIK LAHUM
FIIMAA RAZAQTAHUM , WAGHFIR LAHUM
WARHAMHUM)) .

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba obateekere
omukisa mwebyo by'obagabidde ,
obasonyiwe eby'onoono by'abwe era
obasaasire) .

**72 – EDDUWA ESABIRWA
AKUNYWESEZZA OBA
AYAGADDE OKUKUNYWESA**

١٨٣ - (اَللّٰهُمَّ اَطْعِمْ مَنْ اَطْعَمَنِيْ وَاسْقِ مَنْ
سَقَانِيْ) .

183 - ((ALLAHUMMA ATWI-IM MANI ATW-
AMANII WASQI MAN SAQAANII)) .

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba oliise oyo
andiisizza era onywese oyo
annywesezza) .

**73 - EDDUWA ESOME BWA
SINGA OSIIBULUKUKIDDE
AWATALI WAWO**

١٨٤ - ((أَفْطَرَ عِنْدَكُمْ الصَّائِمُونَ ، وَأَكَلَ
طَعَامَكُمْ الْأَبْرَارُ ، وَصَلَّتْ عَلَيْكُمْ الْمَلَائِكَةُ)) .

**184 - ((AFTWARA INDAKUMU SSWAA-
IMUUN , WA AKALA TWA-AAMAKUMUL-
ABRAAR , WASWALLAT ALAIKUMUL-
MALAAIKAH)) .**

Amakulu :

(Abasiibi basiibulukukidde wano
ewammwe , abalongoofu balidde

kummere yammwe , era malaika
zibasabidde obulungi n'emikisa) .

**74 - EDDUWA Y'OMUSIIBI
SINGA ASEMBERA KUMMERE
NATASIIBULUKUKA**

185 - Nabbi (S.A.W) yagamba nti
(singa omu kummwe ayitibwanga
ayanukulenga omulanga , bwaba
asiibye asabire amuyise emikisa
nebirungi , naye bwabeera nga tasiibye
kirungi alye) .

**75 – OMUSIIBI BY'AYOGERA
SINGA OMUNTU AMUVUMA**

١٨٦ - ((إِنِّي صَائِمٌ إِنِّي صَائِمٌ)) .

186 - ((INNII SWAA-IMUN , INNII SWAA-IMUN)) .

Amakulu :

(Mazima nze nsiibye , mazima nze nsiibye) .

**76 – EDDUWA ESOMEGBWA NGA
OLABYE EKIBALA
EKISOOKEDDE DDALA**

١٨٧ - ((اللَّهُمَّ بَارِكْ لَنَا فِي ثَمَرِنَا ، وَبَارِكْ
لَنَا فِي مَدِينَتِنَا وَبَارِكْ لَنَا فِي صَاعِنَا ، وَبَارِكْ
لَنَا فِي مُدُنَا)) .

187 - ((ALLAHUMMA BAARIK LANAA FII
THAMARINAA , WABAARIK LANAA FII
MADIINATINAA , WABAARIK LANAA FII
SWAA-INAA , WABAARIK LANAA FII
MUDDINAA)) .

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba otussize emikisa mubibala byaffe , era otussize emikisa mukibuga kyaffe , era otussize emikisa mubipimo byaffe (ebipima eby'okulya n'ebipima eby'okunywa) .

77 – EDDUWA Y'OKWAASIMULA

188 - Nabbi (S.A.W) yagamba nti : « singa ayasimulanga omu kummwe agambenga nti :

((AL-HAMDU LILLAH)) ((الْحَمْدُ لِلَّهِ))

Amakulu :

(Amatendo amalungi ga Allah) .

Era mugandawe amusabire nti :

((YARHAMUKA LLAHU))((يَرْحَمُكَ اللَّهُ))

Amakulu :

(Allah akusaasire) .

Singa amusabira nti : Allah
akusaasire, ayasimudde amuddemu nti:

((يَهْدِيكُمُ اللَّهُ وَيُصْلِحُ بَالَكُمْ))

((YAHDIIKUMU LLAHU WAYUSWLIHU
BAALAKUM)) .

Amakulu :

(Allah abalungamye era alongooseze
embeera yammwe) .

**78 – EKIGAMBIBWA
OMUKAAFIIRI SINGA
AYASIMULA N'ATENDEREZA
ALLAH**

. ((يَهْدِيكُمُ اللَّهُ وَيُصْلِحُ بَالَكُمْ)) - ١٨٩

189 - ((YAHDIIKUMU LLAH WAYUSWLIHU
BAALAKUM)) .

Amakulu :

(Allah abalungamye alongoose
nembeera yammwe) .

79 – EDDUWA ESOMERWA AWASIZZA

١٩٠ - ((بَارَكَ اللهُ لَكَ ، وَبَارَكَ عَلَيْكَ ،

وَجَمَعَ بَيْنَكُمَا فِي خَيْرٍ)) .

190 - ((BAARAKA LLAHU LAKA ,
WABAARAKA ALAIKA , WAJAMA-A
BAINAKUMAA FII KHAIRIN)) .

Amakulu :

(Allah akuteekeremu omukisa , era
akuwe emilisa , era abagatte
mwembiriri mubufumbo obulugi) .

**80 – EDDUWA AWASIZZA
GYEYESOMERA N'OYO
AGUZE ENSOLO**

**191 - Nabbi (S.A.W) yagamba nti : «
Singa omu kummwe awasa omukyaala
, oba agula omuweereza agambenga
bwaati:**

((اللَّهُمَّ إِنِّي أَسْأَلُكَ خَيْرَهَا وَخَيْرَ مَا جَبَلْتَهَا
عَلَيْهِ وَأَعُوذُ بِكَ مِنْ شَرِّهَا وَشَرِّ مَا جَبَلْتَهَا
عَلَيْهِ)).

((ALLAHUMMA INNII AS-ALUKA
KHAIRAHAA WAKHAIRA MAA
JABALTAHAA ALAIHI , WA AUUZHU BIKI
MIN SHARRIHAA WASHARRI MAA
JABALTAHAA ALAIHI)) .

Amakulu :

(Ayi Allah mazima nze nkusaba ompe obulungibwe n'obulungi bwewamutonderako , era n'ewogoma jooli omponye obubiibwe n'obubi bwewamutonderako) .

Nabbi (S.A.W) ayongerera n'agamba nti : (era singa agula engamiya kirungi ajikwaate kubbango ly'ayo , ayogere ebigambo by'ebimu ebyo) .

NB. Edduwa eyo nebw'obula akagaali oba mmotoka j'osoma .

**81 – EDDUWA ESOME BWA
OLUBERE BERYE NGA TONNABA
KWEBAKA NAMUKYALA**

١٩٢ - ((بِسْمِ اللَّهِ ، اللَّهُمَّ جَنِّبْنَا الشَّيْطَانَ ،
وَجَنِّبِ الشَّيْطَانَ مَا رَزَقْتَنَا)).

192 - ((BISMILLAHİ , ALLAHUMMA
JANNIBNAA SSHAITWAANA , WAJANNIBI
SSHAITWAANA MAA RAZAQTANAA)) .

Amakulu :

(Tus'oka okw'ogera kulinnya lya
Allah . Ayi Allah tukusaba
otw'esambye ssitaani , neky'onaaba
otuwadde nakyo oky'esambye
ssitaani) .

82 – EDDUWA ESOME BWA OKUGOBA OBUSUNGU

١٩٣ - ((أَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ)) .

193 - ((AUUZHU BILLAHİ MINA
SSHAITWAANI RRAJIIM)) .

Amakulu :

(Newogoma eri Allah amponye
ssitaani eyakolimirwa) .

83 – EDDUWA GY'OSOMA NGA OLABYE EYAGEZESEBWA

١٩٤ - ((الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي عَافَانِي مِمَّا ابْتَلَاكَ
بِهِ وَفَضَّلَنِي عَلَى كَثِيرٍ مِمَّنْ خَلَقَ تَفْضِيلًا)).

194 - ((AL-HAMDU LILLAHIL LAZHII A-
FAANII MIMMAA BTALAAKA BIHI
WAFADHALANII ALA KATHIIRIN MIMMAN
KHALAQA TAFDHIILAN)) .

Amakulu :

(Amatendo amalungi gonna ga Allah
oyo eyamponya ekyo kyeyakugezesa
nakyo , nansukulumya nnyo kubitonde
bingi byeyatonda) .

84 – EBY'OGERWA MULUKUNGAANA

195 - By'ava kumutabanyi wa Umar –
okusiima kwa Allah kubeere
kubombiriri- omubakawa Allah
(S.A.W) mulukungaana olumu
lweyatuulangamu

mwamubalirwangako ekigambo kino :

((رَبِّ اغْفِرْ لِي وَتُبْ عَلَيَّ إِنَّكَ أَنْتَ التَّوَّابُ
الْغَفُورُ)) .

((RABBI GHFIRLII WATUB ALAYYA
INNAKA ANTA TTAWWAABUL-GHAFUUR))
emirundi kikumi (100) nga
tannayimuka kuva mukifo ekyo .

Amakulu :

(Mukama wange nkusaba onsonyiwe
era okkirize okw'enenya kwange

mazima ggwe gwe ayennenyezebwa omusonyiyi) .

85 – EDDUWA ESONYIYISA EBISOBYE MULUKUNGAANA

١٩٦ - ((سُبْحَانَكَ اللَّهُمَّ وَبِحَمْدِكَ ، أَشْهَدُ
أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنْتَ ، أَسْتَغْفِرُكَ وَأَتُوبُ إِلَيْكَ)) .

196 - ((SUBHAANAKA ALLAHUMMA
WABIHAMDIKA , ASH-HADU AN LA
ILAAHA ILLA ANTA , ASTAGHFIRUKA WA
ATUUBU ILAIKA)) .

Amakulu :

(Ayi Allah wayawukana kubitondebyo
n'amatendogo amalungi! , nkakasa nti
tewali asinzibwa mubutuufu okujjako
ggwe , nkusaba okusonyiyibwa era
nennenya jooli) .

NB. Ebigambo ebyo byebikomekkereza buli ekikolebwa omukkiriza nga asaba okusonyiyibwa ebisobye mukyo , by'ategedde neby'atategedde . kuba Maama w'abakkiriza (AISHA) Allah asiime kuye yagamba nti : (Teri mubaka wa Allah (S.A.W) lweyatuula mukifo kyonna , oba lweyasoma Qur'an oba lweyasaala okujjako nga akomekkereza n'ebigambo ebyo) .

86 - EDDUWA ESOMERWA OYO AKUGAMBYE NTI : ALLAH AKUSONYIWE

-197 ((WALAKA)) . ((وَلَكَّ)) - ١٩٧

Amakulu :

(N'awe akusonyiwe) .

**87 – EDDUWA ESOMERWA
AKUKOLEDDE EKIRUNGI**

١٩٨ - ((جَزَاكَ اللهُ خَيْرًا)) .

198 - ((JAZAAKA LLAHU KHAIRA)) .

Amakulu :

(Nsaba Allah akusasulemu birungi) .

**88 – ALLAH BY'AKUKUUMA
NABYO OKUWONA DDAJAAL**

199 - (Omuntu akwaata mumutwe
ayah kkumi ezisooka ku suurah
eyekkumi n'omunaana (18) SUURATIL-
KAHF, akuumwa okuwona Ddajaal) .

N'okwewogoma eri Allah okukolebwa
kunkomerero ya Attahiyyatu

esembayo mubuli sswalah nakyo
kiyamba okuwona Ddajaali . Laba
edduw No. 55 , 56 mukitabo kino .

**89 - EDDUWA ESOMERWA
AKUGAMBYE NTI NKWAGALA
KULWA ALLAH**

٢٠٠ - ((أَحَبُّكَ الَّذِي أَحْبَبْتَنِي لَهُ)) .

200 - ((AHABBAKA LLAZHI AHBABTANII
LAHU)) .

Amakulu :

(Nsaba Allah akwagale oyo
gwonjagadde kululwe) .

**90 – EDDUWA J’OSOMERA
AKWANJULIDDE EMMAALIYE**

٢٠١ - ((بَارَكَ اللهُ لَكَ فِي أَهْلِكَ وَمَالِكَ)).

201 - ((BAARAKA LLAHU LAKA FII AHLIKA WAMAALIKA)) .

Amakulu :

(Nsaba Allah akuteekere emikisa mubantubo nemummaaliyo) .

**91 – EDDUWA ESOMERWA
EYAKUWOLA MUKISEERA
KY'OKUMUSASULA**

٢٠٢ - ((بَارَكَ اللهُ لَكَ فِي أَهْلِكَ وَمَالِكَ ،
إِنَّمَا جَزَاءُ السَّلَفِ الْحَمْدُ وَالْأَدَاءُ)).

202 - ((BAARAKA LLAHU LAKA FII AHLIKA WAMAALIKA , INNAMAA JAZAA-U SSALAFI AL-HAMDU WAL-ADAA-U)) .

Amakulu :

(Nsaba Allah akuteekere emikisa mubantubo nemummaaliyo , mazima empeera y'okuwola kutendereza nakutuukiriza kusasula) .

92 – EDDUWA Y'OKUTYA OKUGATTA KU ALLAH

٢٠٣ - ((اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ أَنْ أَشْرِكَ بِكَ
وَأَنَا أَعْلَمُ ، وَأَسْتَغْفِرُكَ لِمَا لَا أَعْلَمُ)) .

203 - ((ALLAHUMMA INNII AUUZHU BIK
ANI USHRIKA BIK WA ANAA AALAMU ,
WA ASTAGHFIRUKA LIMAA LAA AALAMU))

Amakulu :

(Ayi Allah mazima nze n'ewogoma jooli omponye okukugattako ekintu kyonna nga mmanyi , era nkusaba onsonyiwe kwekyo kyessimanyi) .

**93 – EDDUWA ESOMERWA
AKUGAMBYE “ BAARAKA LLAHU
FIIKA “ ALLAH AKUWE OMUKISA**

٢٠٤ - ((وَفِيكَ بَارَكَ اللَّهُ))

204 - ((WAFIIKA BAARAKA LLAH)) .

Amakulu :

(Nawe Allah akuwe omukisa) .

**94 – EDDUWA Y’OKUTAMWA
OKWERAGUZALAGUZA**

٢٠٥ - ((اللَّهُمَّ لَا طَيْرَ إِلَّا طَيْرُكَ ، وَلَا خَيْرَ

إِلَّا خَيْرُكَ ، وَلَا إِلَهَ غَيْرُكَ)) .

**205 - ((ALLAHUMMA LA TWAIRA ILLA
TWAIRUKA , WALAA KHAIRA ILLA
KHAIRUKA , WALAA ILAHA GHAIIRUKA)) .**

Amakulu :

(Ayi Allah teri kibi okujjako ekibi
kyewagera ky'omanyi , era teri kirungi
okujjako ekirungi ekiva jooli , era teri
asinzibwa mubutuufu atali ggwe) .

95 – EDDUWA ESOME BWA NGA WEBAGALA EKIDDUKA

٢٠٦ - بِسْمِ اللَّهِ ، الْحَمْدُ لِلَّهِ ﴿ سُبْحَانَ
الَّذِي سَخَّرَ لَنَا هَذَا وَمَا كُنَّا لَهُ مُقْرِنِينَ وَإِنَّا
إِلَى رَبِّنَا لَمُنْقَلِبُونَ ﴾ ((الْحَمْدُ لِلَّهِ ، الْحَمْدُ لِلَّهِ
، الْحَمْدُ لِلَّهِ ، اللَّهُ أَكْبَرُ ، اللَّهُ أَكْبَرُ ، اللَّهُ أَكْبَرُ ،

، سُبْحَانَكَ اللَّهُمَّ إِنِّي ظَلَمْتُ نَفْسِي فَاغْفِرْ لِي
، فَإِنَّهُ لَا يَغْفِرُ الذُّنُوبَ إِلَّا أَنْتَ) .

206 - BISMILLAH , AL-HAMDU LILLAH ((
SUBHAANA LLAZHII SAKKHARA LANAA
HAZHA WAMAA KUNNAA LAHU
MUQRINIIN , WA INNAA ILA RABBINAA
LAMUNQALIBUUN)) AL-HAMDU LILLAH ,
AL-HAMDU LILLAH , AL-HAMDU LILLAH ,
ALLAHU AKBAR , ALLAHU AKBAR ,
ALLAHU AKBAR , SUBHAANAKA
ALLAHUMMA INNII ZWALAMTU NAFSII
FAGHFIR LII , FA-INNAHU LAA YAGHFIRU
ZZHUNUUBA ILLA ANTA .

Amakulu :

(Nebagala nga nsooka n'okw'ogera)
kulinnya Iya Allah , amatendo gonna
ga Allah ((wanjawulo nnyo kubitonde
oyo eyatugondeza kino kyetwebagala
era tetwali b'akusobala kukigonza , era

mazima eri omulezi waffe jetugenda okudda)) (Amatendo amalungi gonna ga Allah) *3 (Allah y'asinga obunene) *3 , Ayi Allah wayawukana kubitonde, mazima nze ndy'azamanyizza omw'oyo gwange kale nkusaba onsonyiwe , kuba mazima teriiyo asonyiwa by'onoono okujjako ggwe) .

96 – EDDUWA ESOME BWA MULUGENDO

٢٠٧ - اللَّهُ أَكْبَرُ ، اللَّهُ أَكْبَرُ ، اللَّهُ أَكْبَرُ
﴿ سُبْحَانَ الَّذِي سَخَّرَ لَنَا هَذَا وَمَا كُنَّا لَهُ
مُقْرِنِينَ . وَإِنَّا إِلَى رَبِّنَا لَمُنْقَلِبُونَ ﴾ ((اللَّهُمَّ إِنَّا
نَسْأَلُكَ فِي سَفَرِنَا هَذَا الْبِرَّ وَالتَّقْوَى ، وَمِنْ

الْعَمَلِ مَا تَرْضَى ، اللَّهُمَّ هَوِّنْ عَلَيْنَا سَفَرَنَا هَذَا
وَاطْوِ عَنَّا بُعْدَهُ ، اللَّهُمَّ أَنْتَ الصَّاحِبُ فِي
السَّفَرِ ، وَالْخَلِيفَةُ فِي الْأَهْلِ ، اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ
بِكَ مِنْ وَعَثَاءِ السَّفَرِ ، وَكَآبَةِ الْمُنْظَرِ ، وَسُوءِ
الْمُنْقَلَبِ فِي الْمَالِ وَالْأَهْلِ) .

207 - (ALLAHU AKBAR , ALLAHU AKBAR ,
ALLAHU AKBAR) ((SUBHAANA
LLAZHI SAKKHARA LANAA HAZHA
WAMAA KUNNAA LAHU MUQRINIIN , WA
INNAA ILA RABBINAA LAMUNQALIBUUN))
ALLAHUMMA INNAA NAS-ALUKA FII
SAFARINA HAZHA AL-BIRRA WATTAQWAA
, WAMINAL-AMALI MAA TARDHAA ,
ALLAHUMMA HAWWIN ALAINA
SAFARANAA HAZHA WATW-WI ANNAA
BUUDAHU , ALLAHUMMA ANTA
SSWAAHIBU FII SSAFARI , WAL-

KHALIIFATU FIL-AHLI , ALLAHUMMA INNII
AUUZHU BIKA MIN WA-ATHA-I SSAFAR ,
WAKA-AABATIL-MANZWAR , WASUU-
ILMUNQALABI FIL-MAALI WAL-AHLI)) .

Amakulu :

(Allah y'asinga obunene) *3
((Wanjawulo nnyo kubitonde oyo
eyatugondeza bino byetweebagala .
tetwaali b'akusobola kubigonza , era
mazima eri omulezi waffe jetugenda
okudda)) (Ayi Allah mazima ffe
tukusaba mulugendo lwaffe luno
obulungi n'okukutya n'emirimo
ejikusiimya , Ayi Allah twanguyize
olugendo lwaffe luno era olutufunzize
luleme kubeera luwanvu , Ayi Allah
ggwe munnafe mulugendo luno era
omusigire kubantu baffe , Ayi Allah
mazima twewogoma jooli otuwonye

obuzibu n'obukoowu bw'olugendo luno , n'okukyuuka muntunula n'okukyuuka okubi mummaali oba kubantu baffe) .

NB. Edduwa eno esomebwa nga oli mulugendo , nemukudda awaka nga ova mulugendo . Naye mukudda awaka oyongerako bino :

(آيُونُ ، تَائِبُونُ ، عَابِدُونُ ، لَرَبَّنَا حَامِدُونُ).

((AAYIBUUNÁ TAA-IBUUNA ÁABIDUUNA LIRABBINAA , HAAMIDUUN)) .

Amakulu :

(Tukomy'ewo , twenenyezza , tusinza omulezi waffe era tumutendereza) .

97 – EDDUWA ESOME BWA NGA OYINGIRA MUKYAALO OBA MUKIBUGA

٢٠٨ - ((اللَّهُمَّ رَبَّ السَّمَوَاتِ السَّبْعِ وَمَا
أَظْلَلْنَ ، وَرَبَّ الْأَرْضِينَ السَّبْعِ وَمَا أَقْلَلْنَ ،
وَرَبَّ الشَّيَاطِينِ وَمَا أَضْلَلْنَ ، وَرَبَّ الرِّيَّاحِ
وَمَا ذَرَيْنَ. أَسْأَلُكَ خَيْرَ هَذِهِ الْقَرْيَةِ وَخَيْرَ
أَهْلِهَا ، وَخَيْرَ مَا فِيهَا ، وَأَعُوذُ بِكَ مِنْ شَرِّهَا
، وَشَرِّ أَهْلِهَا ، وَشَرِّ مَا فِيهَا)).

208 - ((ALLAHUMMA RABBA
SSAMAAWAATI SAAB-I WAMAA AZW-
LALNA , WARABBAL-ARADHIINA SSAB-I
WAMAA AQLALNA , WARABBA
SSHAYAATWIINI WAMAA ADHLALNA
WARABBA RRIYAAHI WAMAA ZHARAINA .
AS-ALUKA KHAIRA HAZHIHIL-QARIYATI
WA KHAIRA AHLIHA , WAKHAIRA MAA
FIIHA , WA AUUZHU BIKA MIN SHARRIHA ,

WASHARRI AHLIHA , WASHARRI MAA
FIIHA)) .

Amakulu :

(Ayi Allah omulezi w'amagulu
omusanvu n'ebyo byegasiikirizza , era
omulezi wensi omusanvu n'ebyo
byezisitudde , omulezi wassitaani
zonna n'ebyo byezibuza , omulezi
wempewo (kibuyaga) nebyo
by'ekunsa . Nkusaba obulungi
bw'ekyaalo kino n'obulungi
bw'abantu bakyó , n'obulungi
obukirimu , era n'ewogoma jooli
omponye obubi bw'ekyaalo kino ,
n'obubi bw'abantu bakyó , n'obubi
obukirimu) .

98 - EDDUWA ESOME BWA NGA OYINGIRA MUKATALE

٢٠٩ - ((لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَحْدَهُ لَا شَرِيكَ لَهُ ،
لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ ، يُحْيِي وَيُمِيتُ وَهُوَ
حَيٌّ لَا يَمُوتُ ، بِيَدِهِ الْخَيْرُ ، وَهُوَ عَلَى كُلِّ
شَيْءٍ قَدِيرٌ)) .

209 - ((LAA ILAAHA ILLA LLAHU
WAHDAHU LAA SHARIKA LAH , LAHUL-
MULKU WALAHUL-HAMDU , YUHYI
WAYUMIITU WAHUWA HAYYUN LAA
YAMUUTU , BIYADHIL-KHAIRU, WAHUWA
ALA KULLI SHAY-IN QADIIR)) .

Amakulu :

(Teri asinzibwa mubutuufu okujjako
Allah bwannamunigina talina
kimw'egattako , obufuzi bwonna

bubwe n'amatendo gonna amalungi
gage , y'awa obulamu era y'afiisa , era
yye mulamu tafa , mumukonogwe
mwemuli ebirungi byonna , era yye
muyinza kubuli kintu) .

**99 – EDDUWA ESOMEGBWA SINGA
EKYEBAGALWA KIKOOWA**

210 ((BISMILLAH)) ((بِسْمِ اللَّهِ)) - ٢١٠

Amakulu :

(Kulw'erinnya Iya Allah) .

**100 – EDDUWA OMUTAMBUZE
J'ASABIRA ABASIGADDE AWAKA**

٢١١ - ((أَسْتَوْدِعُكُمْ اللَّهَ الَّذِي لَا تَضِيعُ
وَدَائِعُهُ)) .

211 - ((ASTAUDI-UKUMU LLAHA
ALLAZHII LAA TADHII-U WADAAI-UHU)) .

Amakulu :

(Mbakuumisizza Allah oyo
ekimukuumisiddwa tekiyinza kubula) .

101 – EDDUWA ABATUUZE JEBASOMERA OMUTAMBUZE

٢١٢ - ((أَسْتَوْدِعُ اللَّهَ دِينَكَ ، وَأَمَانَتَكَ ،

وَأَخَوَاتِنَا عَمَلَك)) .

212 - ((ASTAUDI-U LLAHA DIINAKA WA
AMAANATAKA WA KHAWAATIMA
AMALIKA)) .

Amakulu :

(Eddiiniyo n'obwesigwabwo
nenkomerero z'emirimujo
mbikuumisizza Allah) .

۲۱۳ - ((زَوَّدَكَ اللهُ التَّقْوَى ، وَغَفَرَ ذَنْبَكَ ،
وَيَسِّرَ لَكَ الْخَيْرَ حَيْثُ مَا كُنْتَ)).

213 - ((ZAWWADAKA LLAHU TTAQWAA
WAGHAFARA ZHAMBAKA , WAYASSARA
LAKAL-KHAIRA HAITHU MAA KUNTA)) .

Amakulu :

(Nsaba Allah akwongere okumutya ,
akusonyiwe eby'ononobyoo , era
akwanguyize okufuna ebirungi wonna
w'onabeera) .

102 – OKUTENDEREZA NGA OLI MULUGENDO

214 - Bw'olinnya akasozi agmba nti
(ALLAHU AKBAR) “ Allah yasinga
obunene .

- Ate bw'oserengeta n'ogamba nti :
(SUBHAANA LLAH) Allah wanjawulo
nnyo kubitonde!

103 – EDDUWA Y'OMUTAMBUZE MUMATUMBIBUDDE

٢١٥ - ((سَمَّعَ سَامِعٌ بِحَمْدِ اللَّهِ ، وَحُسْنِ
بَلَاءِهِ عَلَيْنَا . رَبَّنَا صَاحِبِنَا ، وَأَفْضَلُ عَلَيْنَا
عَائِذًا بِاللَّهِ مِنَ النَّارِ)) .

215 - ((SAMI-A SAAMI-U BIHAMDI LLAH ,
WAHUSNI BALAA-IHI ALAINA . RABBANAA
SWAAHIBNAA , WA AFDHIL ALAINAA , AA-
IZHAN BILLAHI MINA NNAAR)) .

Amakulu :

(Omujulizi ajulidde okutendereza
kwaffe Allah kulw'ebyengerabye

n'okugezesakwe okulungi kuffe .
owange ggwe omulezi waffe beera
naffe otukuume era tukusaba otuwe
ebyengerabyo ebirungi , otukuume
tuwone buli ekikosa era n'ewogoma
eri Allah amponye omuliro) .

**104 – EDDUWA ESOME BWA
SINGA OTUUKA MUKIFO
KYONNA**

٢١٦ - ((أَعُوذُ بِكَلِمَاتِ اللَّهِ التَّامَّاتِ مِنْ شَرِّ
مَا خَلَقَ)).

**216 - ((AUUZHU BIKALIMAATI LLAHI
TTAAMMAATI MIN SHARRI MAA KHALAQ))
Amakulu :**

(Newogoma eri Allah nga n'eyambisa
ebigambobye ebijjuvu amponye obubi
bw'ebyo byonna byeyatonda (ebiri
mukifo kino) .

105 – OKW'OGERA KU ALLAH NGA OVA MULUGENDO

٢١٧ - ((اللهُ أَكْبَرُ ، اللهُ أَكْبَرُ ، اللهُ أَكْبَرُ لَا
إِلَهَ إِلَّا اللهُ وَحْدَهُ لَا شَرِيكَ لَهُ ، لَهُ الْمُلْكُ ،
وَلَهُ الْحَمْدُ ، وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ، آيُونَ
، تَائِبُونَ ، عَابِدُونَ ، لِرَبِّنَا حَامِدُونَ ، صَدَقَ
اللهُ وَعْدُهُ، وَنَصَرَ عَبْدُهُ، وَهَزَمَ الْأَحْزَابَ
وَحْدَهُ)).

217 - ((ALLAHU AKBAR , ALLAHU AKBAR , ALLAHU AKBAR , LAA ILLAHA ILLA LLAHU WAHDAHU LAA SHARIKA LAH , LAHUL-MULKU , WALAHUL-HAMDU , WAHUWA ALA KULLI SHAY-IN QADIIR , AAYIBUUN , TAA-IBUUN , AABIDUUN , LIRABBINAA HAAMIDUUN , SWADAQA LLAHU WAADAHU WANASWARA ABDAHU WAHAZAMAL-AHZAABA WAHDAH)) .

Amakulu :

(Allah y'asinga obunene) *3 , Teri asinzibwa mubutuufu okujjako Allah bwannamunigina talina kimw'egattako obufuzi bwonna bubwe , n'amatendo amalungi gonna gage , era yye muyinza kubuli kintu , Tukomyeewo , twenenyezza , Tusinza (mulezi waffe) era Allah tumutendereza , yatuukiriza endagaano ye , n'ataasa omudduwe , n'awangula ebibinja yekka) .

**106 – BY'OYOGERA SINGA
OFUNA EKIKUSANYUSA OBA
KY'OTAMWA**

218 - Nabbi (S.A.W) bweyafunanga ekimusanyusa yagambanga bwati :-

« الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي بِنِعْمَتِهِ تَتِمُّ الصَّالِحَاتُ »

((AL-HAMDU LILLAHIL LAZHIL BINI-
IMATIHI TATIMMU SSWAALIHAATU)) .

Amakulu :

(Amatendo gonna amalungi ga Allah oyo kulwebyengeraabye , ebirungi bituukirira) .

Ate bweyafunanga ky'atamwa yagambanga bw'ati :-

« الْحَمْدُ لِلَّهِ عَلَى كُلِّ حَالٍ »

(AL-HAMDU LILLÁHI ALA KULLI HÁALIN) .

Amakulu :

(Amatendo amalungi gonna ga Allah mubuli mbeera yonna) .

**107 – OBULUNGI BW'OKUSAALIRA
KUNNABI (S.A.W)**

219 - Nnabi (S.A.W) yagamba nti :-

(Omuntu yenna ansaalira omulundi gumu , Allah amussaako emikisa n'okusaasira emirundi kkumi)

220 - Era yagamba nti :-
(Temufuulanga entaana yange ekijaguzo , wabula munsabire ; kuba mazima okunsabira kwammwe kuntuukako okuva wonna wemuba mubadde) .

221 - Era yagamba (S.A.W) nti :
(Ss'ebakodo yoyo atansabira
bwenjogerw'ako waali) .

222 - Era yagamba (S.A.W) nti :
(Mazima Allah alina bamalaika
ab'etawula munsu abantuusaako
ebiramuso ebiva mubantu b'ekibiina
kyange) .

223 - Era yagamba (S.A.W) nti :
(Teriiyo n'omu antoolera ssalaamu
okujjako nga Allah anziriza omw'oyo
gwange nemuddamu ssalaamu) .

108 – OKUSAASANYA EKIRAMUSO EKY'EMIREMBE (SSALAAM)

224 - Yagamba omubaka wa Allah
(S.A.W) nti : (Temugenda kuyingira
Jjana okutuusa nga mumaze

okukkiriza , ate temugenda kubeera
bakkiriza okutuusa nga mumaze
kw'agalana . Abange mbalagirire
ekintu bw'emunaaba mukikoze mujja
kw'agalana ? Musaasanye ekilamuso
eky'emirembe (ssalaam) wakati
wammwe) .

225 - Ammar – Allah amusiime –
Yagamba nti : (Ebintu bisatu omuntu
abikungaanya mazima aba
akungaanyizza obukkiriza :
Obwenkanya mummy'oyogwe ,
n'okutoolera abantu ssalaamu ,
n'okuwaayo mubiseera
by'obweetaavu) .

226 - Bino byajjibwa ku Abdillah bin
Umara – okusiima kwa Allah kube
kubombiriri – yagamba nti : Mazima

omusajja yabuuza Nnabi (S.A.W) nti :
Busiraamuki obusinga obulungi ?
Nnabi (S.A.W) n'agamba nti : (Kuliisa
mmere , n'okutoolera omuntu
gw'omanyi ssalaamu n'oyo
gw'otomanyi) .

109 – OKUDDAMU SALAAMU Y'OMUKAAFIRI

227 - Nnabi (S.A.W) yagamba nti :
(Singa bannannyini kitabo
(abayudaaya n'abanaswaara)
babat'oleranga ssalaamu
mubaddengamu nti) :

((WA ALAIKUM)) . ((وَعَلَيْكُمْ))

Amakulu :
(Nekummwe) .

**110 – SINGA OWULIRA
OKUKOOKOLIMA KWENKOKO OBA
OKUKAABA KWENDOGOYI**

228 - Omubaka wa Allah (S.A.W) yagamba nti : (Singa muwuliranga okukookolima kwenkoko musabenga Allah mubirungibye ; mazimayo eba erabye Malaika , ate singa muwuliranga okukaaba kwendogoyi mw'ewogomenga eri Allah abawonye ssitaani ; mazimayo eba erabye ssitaani) .

NB . Okw'ewogoma eri Allah ogamba nti : ((AUUZHU BILLAHI MINA SSHAITWAANI RRAJIIM)) .

**111 – EDDUWA ESOME BWA NGA
OWULIDDE OKUBOGGOLA
KWEMBWA EKIRO**

229 - Era omubaka wa Allah yagamba nti : (Bwemuwuliranga okuboggola kwembwa n'okukaaba kw'obulogoyi ekiro mugambemga nti) : ((AUUZHU BILLAHI MINA SSHAITWAANI RRAJIIM)) . kuba byo biraba mmwe byemutalaba) .

**112 – EDDUWA ESABIRWA
GW'OVUMYE**

٢٣٠ - ((اللَّهُمَّ فَأَيُّمَا مُؤْمِنٍ سَبَّيْتُهُ فَاجْعَلْ ذَلِكَ لَهُ قُرْبَةً إِلَيْكَ يَوْمَ الْقِيَامَةِ)) .

230 – ((ALLAHUMMA FA-AYYUMAA MU-UMIN SABABTUHU FAJ-AL ZHALIKA LAHU QURBATAN ILAIKA YAUMAL-QIYAAMAH))

Amakulu :

(Ayi Allah omukkiriza yenna gwemba
nvumye (okumuvuma okwo)
kumufuuliremu kusembera jooli
kulunaku lwenkomerero) .

113 – SINGA OSUUTA OMUSIRAAMU

231 - Nnabi (S.A.W) yagamba nti :
(Omu kummwe bw'abanga asuuta
munne tewali kubuusabuusa agambe
nga nti :

(Ndowooza nti gundi (omw'ogera
erinnyalye) - nayenga Allah y'asinga
okumumanya era siyinza kujulira
muntu yenna kusinga Allah (oyo

amulaba buli ky'akola - naye nze mmulow'oza nti ali bw'ati neb'ati) .

**114 – OMUSIRAAMU BY'AYOGERA
BW'ATUKUZIBWA (BWASEMBEBWA)**

۲۳۲ - ((اللَّهُمَّ لَا تُؤَاخِذْنِي بِمَا يَقُولُونَ ،
وَاعْفِرْ لِي مَا لَا يَعْلَمُونَ [وَاجْعَلْنِي خَيْرًا مِمَّا
يَظُنُّونَ])) .

**232 - ((ALLAHUMMA LAA TU-AAKHIZHNII
BIMAA YAQUULUUNA , WAGHFIRLII MAA
LAA YA-ALAMUUNA WAJ-ALNII KHAIRAN
MIMMAA YAZWUNNUUN)) .**

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba oleme kunvunaana olw'ebyo byeboogera , era onsonyiwe ebyo byebatamanyi onfuule omulungi okusinga bwebalowooza) .

**115 – OKWANUKULA NGA OLI
MUMIZIZO JAHIJJA OBA UMRAH**

٢٣٣ - ((لَبَّيْكَ اللَّهُمَّ لَبَّيْكَ ، لَبَّيْكَ لَا شَرِيكَ
لَكَ لَبَّيْكَ ، إِنَّ الْحَمْدَ ، وَالنُّعْمَةَ ، لَكَ
وَالْمُلْكَ ، لَا شَرِيكَ لَكَ)).

**233 - ((LABBAIKA ALLAHUMA LABBAIKA
, LABBAIKA LAA SHARIKA LAKA
LABBAIKA , INNAL-HAMDA , WANNI-
AMATA , LAKA WAL-MULKA LAA
SHARIKA LAKA)) .**

Amakulu :

(Nkw'anukudde ayi Allah
nkwanukudde , nkwanukudde toline
kikw'egattako nkwanukudde ,
mazima amatendo gonna amalungi

n'ebyengera byonna n'obufuzi bibyo ,
tolina kikw'egattako).

**116 – OKULEETA TAKIBIIRA
AWALI EJJINJA ERIDDUGAVU**
234 - Nnabi (S.A.W) y'etooloola
Kaaba nga y'ebagadde engamiya ,
naye buli lweyatuukanga kumpagi
eriko ejjinja eriddugavu yalazangayo
n'ekintu kyeyali akutte mungaloze
n'agamba nti :- ((ALLAHU AKBAR)) .

Amakulu :
(Allah munene nnyo) .

**117 – EDDUWA ESOME BWA
WAKATI WARRUKNIL-
YAMAAN NEJJINJA**

٢٣٥ - ((رَبَّنَا آتِنَا فِي الدُّنْيَا حَسَنَةً وَفِي
الْآخِرَةِ حَسَنَةً وَقِنَا عَذَابَ النَّارِ)).

235 - ((RABBANAA AATINAA FIDDUNIYAA
HASANATAN WAFIL-AAKHIRATI
HASANATAN WAQINAA AZHAABA NNAAR))

Amakulu :

(Omulezi waffe tukusaba otuwe
ebirungi kuno kungsi , nekunkomerero
otuwe ebirungi era tukungirize
ebibonerezo by'omuliro) .

118 – EDDUWA ESOME BWA NGA OYIMIRIDDE KUKASOZI SWAFFA NEMARUWAH

236 - Nnabi (S.A.W) bweyasemberera
akasozi Swaffa yasoma ayah eno :-

((إِنَّ الصَّفَا وَالْمَرْوَةَ مِنْ شَعَائِرِ اللَّهِ ...)) أَبْدَأُ
بِمَا بَدَأَ اللَّهُ بِهِ .

((INN SSWAFAA WAL-MARWATA MIN SHA-
AA-IRI LLAH)) ((ABDA-U BIMAA BADA-A
LLAHU BIH)) .

Amakulu :

(Mazima akasozi Swaffa ne Maruwah
bimu kubifo bya Allah eby'emizizo) .

Nnabi (S.A.W) bweyamala
okw'ogera bw'atyō yatandika nakasozi
Swaffa n'akalinnya okutuusa
lweyalaba Kaabah , n'ajolekera
n'ayawula Allah era n'amugulumiza
n'agamba nti :-

((لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَحْدَهُ لَا شَرِيكَ لَهُ ، لَهُ الْمُلْكُ
، وَلَهُ الْحَمْدُ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ، لَا

إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَحْدَهُ ، أَنْجَزَ وَعَدَهُ وَنَصَرَ عَبْدَهُ
وَهَزَمَ الْأَحْزَابَ وَحْدَهُ)) .

((LAA ILAAHA ILLA LLAHU WAHDAHU
LAA SHARIIKA LAH, LAHUL-MULKU
WALAHUL-HAMDU WAHUWA ALA KULLI
SHAY-IN QADIIR . LAA ILAAHA ILLA LLAHU
WAHDAHU , ANJAZA WA-ADAH ,
WANASWARA ABDAH , WAHAZAMAL-
AHZAABA WAHDAH)) .

Amakulu :

(Teri asinzibwa mubutuufu okujjako
Allah bwannamunigina talina
kimw'egattako , obufuzi bubwe
n'amatendo amalungi gonna gage , era
yye muyinza kubuli kintu , teri
asinzibwa mubutuufu okujjako Allah
bwannamunigina , yatuukiriza

endagaanoye , n'ataasa omudduwe ,
n'awangula ebibinja yekka bw'omu) .

Oluvannyuma lw'okwawula Allah
yasaba buli by'ayagala nga akyaali
mukifo ekyo .

Yaddamu ebyo byonna by'akoze ,
okw'awula Allah n'okusaba , emirundi
esatu

Era bwatyo bweyakola nga atuuse
eMaruwah .

119 – EDDUWA Y'ARAFAH

237 - Nnabi (S.A.W) yagamba nti :
(Edduwa esinga obulungi yedduwa
j'osaba kulunaku lwa Arafah ,
nedduwa ennungi nzejenasaba
nebannabbi abankulembere yeno :

لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَحْدَهُ لَا شَرِيكَ لَهُ ، لَهُ الْمُلْكُ
وَلَهُ الْحَمْدُ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ .

((LAA ILAAHA ILLA LLAHU WAHDAHU
LAA SHARIKA LAHU , LAHUL-MULKU
WALAHUL-HAMDU WAHUWA ALA KULLI
SHAY-IN QADIIR)) .

Amakulu :

Ebigambo ebyo biwandikiddwa era
nebivvunulwa kudduwa No.92 .

120 – OKUTENDEREZA MUBIFO EBY’EMIZIZO EMUZIDALIFAH

238 - Nnabi (S.A.W) y’ebagala
ensoloye n’atambula okutuusa
okutuusa lweyatuuka mukifo
eky’emizizo (emuzidalifah)
n’ayolekera Kaabah n’atandika

okusaba byeyeetaaga . N'amugulumiza
Allah (ALLAHU AKBAR) n'amwaawula
(LAA ILAAHA ILLA LLAH) n'amutongoza
(LA ILAAHA ILLA LLAHU WAHDAHU LAA
SHARIIKA LAH LAHUL-MULKU WALAHUL-
HAMDU WAHUWA ALA KULLI SHAY-IN
QADIIR) .

Yasigala nga ayimiridde akola ebyo ,
okutuusa ebuvanjuba
bweyamyuukirira n'ava eMuzidalifah
nga enjuba tennaba kuvaayo (n'agenda
eMinaa) .

121 – NGA OKUBA EKIWAJI AKAYINJA

239 - (Omuntu akuba ebiwaji ebiri
eMinah agamba nti : ((ALLAHU AKBAR))
buli lw'akasuka akayinja kubiwaji
byonna ebisatu oluvannyuma adda

mumaaso n'ayimirira nga ayolekedde
Kaabah , n'asaba nga asitudde
emikonoje (ayanjuluzza ebibatu) ,
bw'atyo bw'akola awali ekiwaji
ekisooka n'ekyookubiri . wabula awali
ekiwaji eky'okusatu ekinene , akikuba
obuyinja nga bw'agamba nti: ((ALLAHU
AKBAR)) kubuli kayinja , olumala
avaawo buvi tayimirirawo kusaba) .

122 – EDDUWA ESOME BWA NGA W'EWUUNYA

240 - ((SUBHAANA LLAH)) (سُبْحَانَ اللَّهِ)

Amakulu :

(Allah wanjawulo nnyo (kw'ekyo) !.

241 - ((ALLAHU AKBAR)) ((اللَّهُ أَكْبَرُ))

Amakulu :

(Allah munene nnyo (okusinga ekyo) .

123 – KY’AKOLA OYO AFUNYE EKIMUSANYUSA

242 - (Nnabi (S.A.W) bweyajjirwanga ekimusanyusa oba ekisanyusibwa nakyo yavuunamanga nga y’ebaza Allah ow’awaggulu) .

124 – SINGA OWULIRA OBULUMI MUMUBIRIGWO

243 - (Ssa omukonogwo awakuluma kumubirigwo oyogere bino :-

((بِسْمِ اللَّهِ)) *3 ((أَعُوذُ بِاللَّهِ وَقُدْرَتِهِ مِنْ شَرِّ

مَا أَجِدُ وَأُحَازِرُ)) *7

((BISMILLAH)) *3 , ((AUUZHU BILLAHI WAQUDRATIHI MIN SHARRI MAA AJIDU WWA UHAZHIR)) *7 .

Amakulu :

(Kulw'erinnya lya Allah) *3
(Newogoma eri Allah
n'obusobozibwe amponye obulumi
bwenewulira era bweneekeka) *7.

**125 – EDDUWA OMUNTU ATYA
OKUTUUSA KUKINTU OBUBI
BW'ERIISOLYE J'ASOMA**

244 - (Omu kummwe singa alaba
kumugandawe oba kuye kennyini oba
kummaaliye , ekimw'ewuunyisa ,
amusabirenga emikisa , olw'okuba nga
mazima okukosa kw'eriiso ebbi
kukakafu w'ekuli) .

**126 – EBY’OGERWA MUKISEERA
KY’OKWEEKANGA**

– ٢٤٥ – ((لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ))

245 - ((LAA ILAAHA ILLA LLAH !)) .

Amakulu :

(Tewali asinzibwa mubutuufu
okujjako Allah) .

**127 – EBY’OGERWA NGA OSALA
EKISOLO KYA ADHUHIYAH**

– ٢٤٦ – ((بِسْمِ اللَّهِ وَاللَّهُ أَكْبَرُ [اللَّهُمَّ مِنْكَ
وَلَكَ] اللَّهُمَّ تَقَبَّلْ مِنِّي)) .

**246 - ((BISMILLAH I WALLAHU AKBAR ,
ALLAHUMMA MINKA WALAKA ,
ALLAHUMMA TAQABBAL MINNII)) .**

Amakulu :

(Kulwe'rinnya Iya Allah era Allah y'asinga obunene , Ayi Allah (ekisolo) kino gwe wakimpa era nkisaze kululwo , Ayi Allah nkusaba okikkirize okuva jendi) .

NB. Bw'otyo bw'osoma nga osala ekisolo kya dhuhya oba Akiika . Naye bwekuba kusala kisolo ekitali dhuhya oba Akiika , osoma bino :-

((BISMILLAH WALLAHU AKBAR)) .

128 – EBY'OGERWA OKUGOBA ENKWE ZASSITAANI

٢٤٧ - ((أَعُوذُ بِكَلِمَاتِ اللَّهِ التَّامَّاتِ الَّتِي لَا يُجَاوِزُهُنَّ بَرٌّ وَلَا فَاجِرٌ مِنْ شَرِّ مَا خَلَقَ ، وَبَرًّا وَذَرًّا ، وَمِنْ شَرِّ مَا يَنْزِلُ مِنَ السَّمَاءِ ، وَمِنْ

شَرُّ مَا يَخْرُجُ فِيهَا ، وَمِنْ شَرِّ مَا ذَرَأَ فِي
 الْأَرْضِ ، وَمِنْ شَرِّ مَا يَخْرُجُ مِنْهَا ، وَمِنْ شَرِّ
 فَتَنِ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ ، وَمِنْ شَرِّ كُلِّ طَارِقٍ إِلَّا
 طَارِقًا يَطْرُقُ بِخَيْرٍ يَا رَحْمَنُ)).

247 - ((AUUZHU BIKALIMAATI LLAHI
 TTAAMMAAT ALLATI LAA
 YUJAWIZUHUNNA BARRUN WALAA
 FAAJIRUN MIN SHARRI MAA KHALAQ ,
 WABARA-A WAZHARA-A , WAMIN SHARRI
 MAA YANZILU MINA SSAMAA-I , WAMIN
 SHARRI MAA YA-ARUJU FIIHA , WAMIN
 SHARRI MAA ZHARA-A FIL-ARDHI , WAMIN
 SHARRI MAA YAKHRUJU MINHA , WAMIN
 SHARRI FITANI LLAILI WANNAHAAR ,
 WAMIN SHARRI KULLI TWAARIQIN ILLA
 TWAARIQAN YATW-RUQU BIKHAIRIN YAA
 RAHMAAN)) .

Amakulu :

(N'ewogoma eri Allah nga n'eyambisa
ebigambobye ebijjuvu ebyo
omulongoofu oba omujeemu
by'atayinza kusukka , amponye obubi
bw'ebyo byeyatonda era n'abumba
n'abitandikawo , n'okuwona obubi
bw'ebyo ebiva muggulu
n'ebirinnyalinnya mulyo , era
amponye obubi bw'ebyo byeyakola
munsi , n'obubi obufuluma muyo , era
amponye obubi bw'ebikemo by'ekiro
n'emisana , n'okumponya obubi
bw'abuli ajja ekiro okujjako oyo ajja
n'obulungi , (nsaba onnyanukule)
owange ggwe omusaasizi) .

129 – OKUSABA OKUSONYITYIBWA

248 – Omubaka wa Allah (S.A.W) yagamba nti : (Ndayira Allah mazima nze nsaba Allah okusonyiyibwa era nenenya jaali buli lunaku emirundi ejisoba munsanvu (70) .

NB. Oyogera nga bwekiri mudduwa No. 96 mukitabo kino .

249 - Era yagamba omubaka wa Allah (S.A.W) nti : (Abange mmwe abantu mwenenye eri Allah mazima nze n'enenya jaali buli lunaku emirundi kikumi (100) . oyogera nga bwekiri mudduwa No.96 mukitabo kino .

250 - Era omubaka wa Allah (S.A.W) yagamba nti : (Omuntu agamba nti :

أَسْتَغْفِرُ اللَّهَ الْعَظِيمَ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْحَيُّ
الْقَيُّومُ وَأَتُوبُ إِلَيْهِ .

(ASTAGHFIRU LLAHAL-ADHIIMA ALLAZHII
LAA ILAAHA ILLA HUWAL-HAYYUL-
QAYYUUM WA ATUUBU ILAIHI) Allah
amusonyiwa wadde nga adduse
mulutalo lwa Ddiini) .

Amakulu :

(Nsaba Allah ow'ekitiibwa ansonyiwe
oyo awatali asinzibwa mubutuufu
okujjako yye omulamu
eyeeyimirizaawo era nennenya jaali) .

251 - Era yagamba (S.A.W) nti :
(Omulezi (Allah) waasingira okubeera
okumpi n'omuddu by'ebiseera
by'ekitundu ekisembayo eky'ekiro ,
kale bw'oba osobodde okubeera
mw'abo ab'ogera ku Allah (nga
bamutendereza) mussaawa eyo kikole)

252 - Era yagamba (S.A.W) nti :
(Omuddu bw'aba avunnamye
waasingira okubeera okumpi
n'omuleziwe (Allah) kale muyitirize
okusaba (nga muvvunamye) .

253 - Era yagamba (S.A.W) nti :
(Mazima (ekintu) kibikka kumutima
gwange ((neneerabira oluusi
okutendereza ku Allah ky'ova olaba)
nsaba Allah ansonyiwe buli lunaku
emirundi kikumi (100)) .

130 – OBULUNGI

BW'OKUTENDEREZA ALLAH

254 - Era yagamba (S.A.W) nti :-
(Omuntu agamba (SUBHAANA
LLAH WABIHAMDIH) emirundi
kikumi asangulw'ako eby'oonoonobye

byonna wadde nga byenkana nejjovu ly'okunnyanja) . Laba zhikir No. 91 .

255 - Era yagamba (S.A.W) nti :-
(Omuntu agamba nti : (LAA ILAAHA
ILLA LLAHU WAHDAHU LAA SHARIKA
LAH , LAHUL-MULK , WALAHUL-HAMDU
WAHUWA ALA KULLI SHAY-IN QADIIR)
emirundi kkumi (10) abeeranga atadde
abantu bana (4) (abaddu) mubaana ba
Ismail (olulyo Nnabi mweyava) . Laba
zhikr No. 92 .

256 - Era yagamba (S.A.W) nti :-
(Ebigambo biri bibiri byokka , byangu
nnyo kululimi , ate bizitowa nnyo ku
minzaani , ate by'agalwa nnyo eri
Allah) byebino :-

((سُبْحَانَ اللَّهِ وَبِحَمْدِهِ سُبْحَانَ اللَّهِ الْعَظِيمِ)) .

((SUBHAANA LLAHI WABIHAMDIHI
SUBHAANA LLAHIL-AZWIIM)) .

Amakulu :

(Allah Yayawukana n'amatendoge
(kubitonde byonna era) Allah
owekitiibwa wanjawulonnyo) .

257 - Era yagamba (S.A.W) nti :-
(Nze okw'ogera nti :

((سُبْحَانَ اللَّهِ ، وَالْحَمْدُ لِلَّهِ ، وَلَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ ،
وَاللَّهُ أَكْبَرُ)) .

((SUBHAANA LLAH , WALHAMDU LILLAH ,
WALAA ILAAHA ILLA LLAH , WALLAHU
AKBAR)) . kinsingira byonna
eby'akako enjuba) .

258 - Era yagamba (S.A.W): (Ayinza
okulemwa omu kummwe okukola
n'afuna ebirungi olukumi (1000) buii

lunaku ?) omu kubeyali atudde nabo kyeyava amubuuza nti : omu kuffe afuna atya ebirungi olukumi ? Nagamba nti : (Agamba nti : SUBHAANA LLAH emirundi kikumi (100) n'awandiikirwa ebirungi lukumi (1000) oba n'asangulwaako ebibi lukumi) .

259 - Era yagamba (S.A.W) nti : (Omuntu agamba nti :

((سُبْحَانَ اللَّهِ الْعَظِيمِ وَبِحَمْدِهِ)) .

((SUBHAANA LLAHIL-AZWIIMI WABIHAMDIH)) . asimbirwa omutende mujjanah) .

260 - Era yagamba (S.A.W) nti : (Owange ggwe Abdallah bin Qaisi , nkulagirire eggwanika mumawanika

gejjana ?) Naddamu nti yye (ndagirira)
owange ggwe omubaka wa Allah .
Nnabi n'agamba nti : (Gamba nti :

((لَا حَوْلَ وَلَا قُوَّةَ إِلَّا بِاللَّهِ)) .

((LAA HAULA WALAA QUWWATA ILLA
BILLAH)) .

Amakulu :

(Tewali busobozi wadde amaanyi
wabula bibeerawo nakwagala kwa
Allah) .

261 - Era yagamba (S.A.W) nti :
(Ebigambo ebisinga okw'agalwa ewa
Allah biri bina (4) :

((سُبْحَانَ اللَّهِ ، وَالْحَمْدُ لِلَّهِ ، وَلَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ ،
وَاللَّهُ أَكْبَرُ)) .

((SUBHAANA LLAH , ne AL-HAMDU LILLAH,
ne LAA ILAAHA ILLA LLAH , ne ALLAHU

AKBAR)) , tekikukosa okutandiika nakyonna kubyo) .

262 - Omusajja munnaky'alo yajja eri omubaka wa Allah (S.A.W) n'amugamba nti : njigirizaayo ebigambo mby'ogerenga (nga ntendereza Allah) Nnabi (S.A.W) n'amugamba nti : (Gamba nti :

« لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَحْدَهُ لَا شَرِيكَ لَهُ ، اللَّهُ أَكْبَرُ كَبِيرًا ، وَالْحَمْدُ لِلَّهِ كَثِيرًا ، سُبْحَانَ اللَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ، لَا حَوْلَ وَلَا قُوَّةَ إِلَّا بِاللَّهِ الْعَزِيزِ الْحَكِيمِ » .

((LAA ILAAHA ILLA LLAHU WAHDAHU LAA SHARIIKA LAHU , ALLAHU AKBAR KABIIRAN , WALHAMDU LILLAHI KATHIIRAN , SUBHAANA LLAHI RABBIL-

AALAMIIN , LAA HAULA WALAA
QUWWATA ILLA BILLAHIL-AZIIZIL-
HAKIIM)) .

Amakulu :

(Tewali asinzibwa mubutuufu
okujjako Allah yekka talina
kimw'egattako , Allah munene nnyo ,
n'amatendo gonna amalungi ga Allah ,
era Allah omulezi w'ebitonde byonna
wanjawulo nnyo (kubyo)! , tewabeera
busobozi wadde amaanyi wabula
bibeerawo kulwakwagala kwa Allah
omuwanguzi omutetenkanya) .

Omunnakyaalo kyava amugamba nti
: Ebyo byonjigirizza by'akutendereza
mulezi wange , ate ebyange
by'ebiriwa? Nnabi (S.A.W)
n'amugamba nti : (Gamba nti :

« اللَّهُمَّ اغْفِرْ لِي ، وَارْحَمْنِي ، وَاهْدِنِي ،
وَارْزُقْنِي » .

((ALLAHUMMA GHFIR LII , WARHAMNII ,
WAHDINII , WARZUQNII)) .

Amakulu :

(Ayi Allah (nkusaba) onsonyiwe ,
onsaasire , onnungamye era ompe
ebyenfuna) .

263 - Omuntu bweyayingiranga
mubusiraamu Nnabi (S.A.W)
yasookanga kumuyigiriza kusaala
oluvannyuma n'amulagira asabenga
nebigambo bino :

((اللَّهُمَّ اغْفِرْ لِي ، وَارْحَمْنِي ، وَاهْدِنِي :
وَعَافِنِي وَارْزُقْنِي)) .

((ALLAHUMMA GHFIR LII , WARHAMNII , WAHDINII , WA-AAFINII , WARZUQNII)) .

Amakulu :

(Ayi Allah nkusaba onsonyiwe , onsaasire , onnungamye , ompe obulamu obulungi era ongabire ebyenfuna) .

264 - Era yagamba (S.A.W) : (Mazima edduwa esinga obulungi kugamba nti :

((AL-HAMDU ILALLAH)) ((الْحَمْدُ لِلَّهِ))

n'okutendereza okusinga obulungi kwekugamba nti :

(LAA ILAAHA ILLA LLAH) لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ

265 - Era yagamba (S.A.W) : (Ebisigalawo ebirungi bigambo bino :

((سُبْحَانَ اللَّهِ ، وَالْحَمْدُ لِلَّهِ ، وَلَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ ،
وَاللَّهُ أَكْبَرُ ، وَلَا حَوْلَ وَلَا قُوَّةَ إِلَّا بِاللَّهِ)).

(SUBHAANA LLAH) ne (AL-HAMDU
LILLAH) ne (ALLAHU AKBAR) ne (LAA
HAULA WALAA QUWWATA ILLA BILLAH) .

131 – NABBI YATENDEREZANGA ATYA ?

266 - Bino byajjibwa kumutabanyi wa
Amuri ayitibwa Abdallah okusiima
kwa Allah kubeere kubombiriri
yagamba nti : (Nalaba Nnabi (S.A.W)
nga atendereza nayenga emirundi
ajibalira kungalo z'omukonogwe
ogwaddyo) .

132 – EBIMU KUBILUNGI N’EMPISA EZIBUNA

267 - Nnabi (S.A.W) yagamba nti :
(Akawungeezi bwekatuukanga – oba
bwemubuwungeezanga – mugaanenga
abaana bammwe okutambulatambula
ebweeru , olw’okuba amasitaani
ekiseera ekyo mwegasaasanira , ekiro
bwekiyitako essaawa mubaleke , era
muggalenga enziji z’amayumba nga
mw’ogererako erinnya lya Allah ;
olw’okuba sitaani teggula luji
olw’ogereddwaako erinnya lya Allah
nga luggalwa , era musaanikirenga
kubisawo byammwe (ensuwa , eccupa
nabuli ekiterekerwamu kyonna) nga
mw’ogererako erinnya lya Allah , era
musannikirenga kubyombo byammwe

nga mw'ogererako erinnya lya Allah ,
bwemuba mubuliddwa
kyemusaanikirako wakiri muteekeko
akantu konna wadde nga katono nnyo ,
era muzikizenga amataala gammwe
nga mugenda okw'ebaka) .

وَصَلَّى اللّٰهُ وَسَلَّم وَبَارَكَ عَلَى نَبِيِّنَا مُحَمَّدٍ وَعَلَى آلِهِ وَأَصْحَابِهِ
أَجْمَعِينَ .

*Tusaba Allah asse ebyengera n'emirembe
n'emikisa kunabbi waffe Muhammadi
nekubantube nekubanne bonna.*

**NB: Tusaba buli yenna alabye eky'etaagisa
Okutereeza mukitabo kino
Atutukirire, oba akozese
Akasanduuku kano
P.O.BOX 870
JINJA (U) .**

حصن المسلم

من أذكار الكتاب والسنة

تألف الفقير إلى الله تعالى

سعيد بن عليّ بن وهف القحطاني

بلغة اللوغندية

ترجمة

آدم شعبان ويصوا

وعبد الحكيم إلياس موسامي

مراجعة

زياد صالح لوبانغا

والدكتور : سويد جمعة ميانجا.